Minisita w’e Mengo bamukutte agenda mu lukiiko

Posted by Mukwenda - 2008/07/19 11:08

Bya Margaret Ziribaggwa, Richard Kayiira ne Robert Masengere

http://connectuganda.com/images/fbfiles/images/medad.jpg

ABASERIKALE baakutte Minisita w’e Mmengo Medard Lubega Ssegona n’aggalirwa bwe yabadde agenda okwetaba mu lukiiko lwa Buganda ttabamiruka. Ssegona, minisita omubeezi ow’Ebyamawulire yakwatiddwa ku Arua Park mu Kampala n’asibirwa ku CPS.

Omuduumizi wa poliisi mu Kampala n’emiriraano, Edward Ochom yategeezezza nti baamusibidde ku CPS kyokka ensonga ze zikolebwako kitebe kya bambega. Kyokka ensonda zaategeezezza nti okumukwata kwekuusa ku bigambo poliisi by’eyise ebisasamaza by’abadde ayogerera ku leediyo ya CBS.

Okumukwata yabadde agenda ku Hotel Africana gye yabadde omu ku boogezi mu lukiiko lwa Buganda.

Lwabadde lwabbugumu nnyo olwasombye Abaganda abatutumufu omuli bannabyabufuzi, bannaddiini n’abakulembeze b’emitendera egyenjawulo. Omulabirizi eyawummula, Dr. Michael Ssenyimba eyabadde omwogezi omukulu ku by’ettaka ayalumbye gavumenti olwa kye yayise okutongoza obubiina bw’abeebibanja bwe yagambye nti bugenda kutabangula enkolagana wakati w’abeebibanja ne bannannyini ttaka.

Yavumiridde ab’amawanga amalala abeesenza ku ttaka lya Buganda n’agamba nti Katonda bwe yali atonda abantu, buli ggwanga yalitondera mu kitundu kyalyo.

Kwe kujuliza Bayibuli mu Bikolwa by’Abatume 17: 26-27: Katonda yakola okuva ku omu, buli ggwanga ly’abantu okutuulanga ku nsi enjuyi zonna; bwe yalagira n’ayawulamu ebiro n’ensalo z’okutuula kwabwe.

Yagambye nti ekizibu Buganda ky’erina, be bantu abawamba ettaka nga bakozesa eryanyi ate ne gavumenti eyandibakomyeko n’etefaayo. N’agattako nti bwe banaamalako Abaganda ettaka ng’obwaffe bukomye, kubanga Omuganda atalina butaka alinga ekiddo ekiri ku mazzi nga tekimanyi gye kiraga.

Yawadde Abaganda amagezi obutaleka nsiko ku ttaka lyabwe kubanga abalunzi b’ente bwe banaalaba omuddo ne bagwegomba nga balyesenzaako.

Yasabye abalina ettaka bafune abapunta okulikuba ate abeebibanja babisimbeko empaanyi okulaga ensalo zaabwe, kiziyize abantu abalala okubayingirira.

Olukiiko lwagguddwawo Katikkiro JB Walusimbi kyokka yabadde yakamala okwogera, Minisita Daudi Mpanga n’ategeeza nga Ssegona bwe yabadde akwatiddwa.

Abantu beesozezza ng’abamu bwe basonga emimwa mu mwogezi wa poliisi mu Kampala Simeo Nsubuga eyabaddewo. Katikkiro yagambye nti obumu bwe bugenda okutwala Buganda mu maaso evvuunuke ebizibu by’etubiddemu omuli

ettaka, Federo, okuggya abantu mu bwavu n’okuzzaawo ettutumu lya Buganda.

Omubaka wa Masaka Municipality John Kawanga yawadde Mmengo amagezi okussaawo enkola enaayamba bannannyini ttaka abatannalikubisa n’abalina ebyapa ebyetaaga okuzza obuggya bayambibwe oluvannyuma

basasule mpolampola nga bwe kyalinga edda.

Yabasabye bakolagane n’obukiiko bwa disitulikiti obw’ettaka obugaba ebyapa ku lya mayiro 9,000, Abaganda abalirinako ebibanja babafunire ebyapa basasule Mmengo ku kibanjampola.

Yawadde eky’okulabirako ky’ettaka ly’e Ssese lye baagabirako ebyapa nga buli yiika osasula 10,000/= ne bakuwa ekyapa, kyokka Abaganda bangi ne baviiramu awo olw’obutamanya n’obutaba na nsimbi.

Published on: Friday, 18th July, 2008 - Bukedde

==========